# Trump atadde ssente mu kulwanyisa endwadde mu Uganda

Bya LAWRENCE KIZITO

PULEZIDENTI wa America, Donald Trump akutudde ddiiru ya buwumbi 8,100 ne Gavumenti ya Uganda, okuvujjirira ebyobulamu, naddala obulwadde bwa siriimu.

Ku ssente zino, Gavumenti ya America egenda kusasulako obuwumbi 6,000 ate Gavumenti ya Uganda esasuleko obuwumbi 2,100, okumala emyaka etaano.

Ddiiru eno eri mu ndagaano eyateereddwaako emikono ku Lwokusatu nga December 10, 2025 ku ofiisi za minisitule y'ebyensimbi mu Kampala. Ttiimu ya America yakulembeddwa omubaka wa America mu Uganda, William Popp, ate eya Uganda n'ekulemberwa Minisita w'ebyensimbi Matia Kasaija.

Ssente zonna eziri mu nteeka-eeka eno, zigenda kuyisibwa mu bajeti y'eggwanga, okumala emyaka etaano egy'ekisanja ekijja, oku-andika n'omwaka gw'ebyensimbi ogwa 2026/27.



Okuva ku kkono ye, minisita w'ebyobulamu Dr. Jane Aceng, minisita w'ebyensimbi Matia Kasaija ne ambasada wa America mu Uganda, William Popp oluvannyuma lw'okussa emikono ku ndagaano y'ensimbi ezaaweereddwa Uganda, baabadde ku kitebe kya minisitule y'ebyensimbi mu Kampala. Kozesa App ya Vision Digital Experience olabe vidiyo.

Ssente zino zigenda kuteekebwa mu kulwanyisa siriimu, akafuba, omusujja gw'ensiri, okujjanjaba abakazi ab'embuto n'abaana, okumalawo obulwadde bwa polio, okuzimba labalatole gye beekebejjera endwadde n'eddagala, n'okwerinda singa wabaawo obulwadde obuguddewo.

Ssente zino era za kuteekebwa mu kutendeka abasawo, okugula eddagala ery'enkizo, n'okulondoola endwadde. Era mu nteekateeka eno, kuliko omutemwa ogugenda okuyambako mu kutendeka abeebyobulamu ku byalo abawera 14,000, okwegatta ku baasooka okutendekebwa abawera 1,100 era ku ssente za America. Wabula bano Uganda yeeyamye okubasasulα emisaala gyabwe.

Bwe yabadde ayogerako n'abaamawulire oluvannyuma lw'okuteeka omukono ku ndagaano' eno, Popp yagambye nti, ddiiru eno ereeseewo essuula empya mu nkolagana ya America ne Uganda, kubanga ewa omukisa ne Uganda okwenyigiramu mu lutalo lw'okulwanyisa endwadde, obutafaananako n'enteekateeka ezibaddewo, nga Uganda eri ku ludda olufuna lwokka.

Ye Kasaija yagambye nti, endagaano eno eyongedde okunyweza enkolagana ya Uganda ne America, era yeegasse ku pulojekiti America z'ezze evujjirira mu Uganda, omuli okulwanyisa siriimu, akafuba, omusujja gw'ensiri, okunyweza ebyobulamu ku mutendera gw'ensi yonna, n'ebyenkulaakulana.

Kasaija yagambye nti, endagaano eno tegenda kukoma ku kulwanyisa ndwadde, wabula egenda kunyweza ebyobulamu bya Uganda okuyita mu kunyweza ebitongole, n'okutendeka abakozi abawerako.

Ye minisita w'ebyobulamu Jane Ruth Aceng, yagambye nti, obuyambi buno okuva mu America bulaga omukwano Uganda gw'ebadde nagwo ne America okumala ebbanga, era n'eraga obwesigwa America bw'erina mu bukulembeze bwa Uganda.

Kinajjukirwa nti, Trump bwe yafuna Obwapulezidenti, yasooka kuggyawo obuyambi bwonna obwali buyita mu kitongole kya USAID, ekyakosa ennyo Uganda, bwe yafiirwa ssente eziwera obuwumbi 1,200, ezaali zirwanyisa siriimu, akafuba, omusujja gw'ensiri, n'okunoonyereza.

Embeera eno yaleetera abantu bangi okufiirwa emirimu, ne kiteeka n'ensaasaanya y'eddagala lya siriimu mu kusoomoozebwa, ekyaleetawo obwetaavu bwa Uganda okwongera ssente mu kisaawe ky'ebyobulamu, okwewala okwesigama ennyo ku buyambi.